Enaku zino nkulu nyo:

Ebibinja byona ebisaba biteketeeke enaku zino nga bwezirambikiddwa wano wamanga mubitundu byaabwe:

- **Kulwokubiri, nga 18th August 2015 (olwegulo):** Okuwaayo okwokutongoza ekiseera kino ekyokusaba nokusiiba nokusabira abo bonna abewaddeyo okukwetabamu.
- **Okusaba kwekiro okwabuli wiiki:** Buli lwakutaano ekiro luweredwayo mukusaba kwa wiiki okwekiro. Abakulembera okusaba batekwa okukakasa nti bafunye olukusa okuva eri ababatwala ate bagobelere entekateka y'ekanisa yabwe. Ebinakulungamya mukusaba biweredwa mumuko ogwomunda.
- **Kulwokusatu nga, 7th October 2015 (olwegulo):** Okufundikira okusaba nokusiiba. Okugabana kumeeza ya Mukama waffe kiteseddwa nga bwe tusaba okwanguyizibwa kwolunaku Yesu lwe yayogerako mu Matayo 26:29, Makko 14:25 ne Lukka 22:18
- **Kulwokuna nga, 8th October 2015:** Ekiro kyo kusaba nga amefugga (Independence) gankya okuwayo omwaka 2015/2016.
- Olukun'gana olwenaku ebiri lutegekeddwa mu Kampala (6th & 7th October 2015).

The National Solemn Prayer Campaign is coordinated by the Uganda Jubilee Network. We encourage all Christians to participate in this prayer campaign for the sake of our nation.

A prayer guide and other material to help mobilize for the campaign are available from

ugandajubilee@gmail.com

+256 783 836202
+256 752 688314
+256 702 095033

Uganda Jubilee

www.ugandajubilee.org

UGANDA Jubilee NETWORK

OKUSABIRA OKULONDA KWA 2016 N'EBYOMUMAASO BYA UGANDA

EKISEERA KY'OKUSABA N'OKUSIIBA OKW'ENAKU 50 (ATAANO)

19th Agusto – 7th October 2015

Nga 8th October 2012, kukasiki ka mazaliibwa gaffe age'myaka 50 agasooka, twayingiza eggwanga lyaffe mu ndagaano ne Katonda kulwebigendererwa bye ebye myaka amalala ataano agaddako.Buli lwetuba tusemberera amefuga buli mwaka(independence) wajja kubangawo ekiseera eky'okusaba nga tufanyo ku bigendererwa bya katonda kulwensi yaffe nokunonya amaaso ge.

Omulamwa omukulu ogw'okusaba nokusiiba kwomwaka guno kwekulonda okwomwaka ogujja (2016) n'obukulembeze obwomumaso mugwanga lyaffe. twaniriza omubiri gwa kristo okwetaaba mukusaba kuno okuva nga 19th Agusto2015 okutuusa nga 7th October 2015

Proclaiming Liberty Through the Land

Ebigendererwa byo'kusaba kw'omwaka guno 2015 byebino:

1. Okusabira okulonda kwa 2016 n'obukulembeze bwa Uganda obwomumaaso (1Timosewo 2:1-4)
2. Okwewombeka mu maaso ga Katonda n'okunonya amaaso ge
3. Okwegata ku Mukama waffe Yesu Kristo mukusaba kwe okwobwa kabona bwe obwa wagulu kulwo bumu bwabagobelezi be nga bwe kiri mu Yokana 17
4. Okusabira omubiri gwa Kristo okuyimuka eri okuyitibwa kwagwo mu bulisiga lyona eryo bukulembeze.
5. Okusabira obujjuvu bwokulabisibwa kwo bwa kabaka bwa katonda mubuli siga lyomu ggwanga lyona wetulitukira mu jubili ya 2062
6. Okuza obujja endagaano yaffe ne Mukama kulwe ggwanga
7. Katonda atusobozese okutukiriza obuvunanyizibwa bwaffe obwasekinomu, obwamaka, obwekanisa nebitongole okulaba nga entegeka ya katonda eyomulembe gwaffe etukilira.

Ensengeka y'okusaba n'okusiiba kuno:

- Okusiiba kujja kuba kwa kulya ekibu kimu mubanga lya ssawa 24.
- Okunywa amazzi n'omubisi omuwewwuvu bikirizibwa mukiseera kyokusiiba kuno. Tukubiriza okunywa amazzi mangi ddala.
- Newankubadde nga tuzzaamu amanyi buli mukiriza okwetaba mukusiiiba kwona okwenaku 50 tukimanyi nti abakiriza bangi tebamanyidde kusiiba kuwanvu nga kuno era tuteesa nti oyinza okudirizako nosiiba enaku zosobola. Obuwanvu bwokusiiba kwona bwa wiiki musanvu. Singa omuntu asalawo okusiiba olunaku lumu buli wiiki nga naye lwanjjawulo ebyokusabira byona aba abisabideko.
- Ekilara omuntu asobola okusiiba wiiki emu enzijjuvu mu wiiki zino zona omusanvu naaba nga emitwe gyebyokusabira agiyiseemu.
- Ebbanga lino liwa buli mukiriza omukisa ogwokwegunjulamu empisa eyo kusiiba okuwanvuko okukira kwebabadde bamanyidde.
- Okusabira entegeka ya Katonda eyo mumaaso mubulamu bwa sekinomu, oba obwamaka, oba ekanisa bizingirwemu mumiramwa gy'ebyokusabira byolunaku

Emitwe gyebyokusabira buli lunaku

BULI LWABALAZA:

- Okulonda kwa 2016: weebaze olwemyaka gyetuyiseemu egyemirembe
- Esigga: Ely'ebyenjigiriza n'okuyimusibwa kwa bantu

LWAKUBIRI:

- Okulonda kwa 2016: Mukama okuyimusa abakulembeze abatukirivu era nga benkanya
- Esigga: Ebyempuliziganya byonna (Lediyo, TV, empapula zamawulire n'ebilara)

LWAKUSATU:

- Okulonda kwa 2016: Okusabira abalonzi bonna
- Esigga: Obukulembeze n'ebyobufuzi

LWAKUNA:

- Okulonda kwa 2016: Essaala y'okulonda kwa 2016 n'okweyongerayo
- Esigga: Ebyenfuna, ebyobusubuzi, n'ebyokwekulakulanya

LWAKUTAANO:

- Okulonda kwa 2016: Olukiiko olulondesa
- Esigga: Ebyenyimba, Emizanyo, Katemba nebilara bwebityo

LWAMUKAAGA:

- Okulonda kwa 2016: Ekiseera ky'okulonda n'ekiseera nga okulonda kuwedde
- Esigga: Amaka, Ebika, amawanga, eby'obuwangwa n'obuwereza obwebintu ebyabulijjo nga enguudo, amalwaliro n'ebirala

KUSANDE:

- Okulonda kwa 2016: Okusabira omubiri gwa Kristo okwetaba mukulonda
- Esigga: Omubiri gwa Kristo, Ebyenzikiriza, nendaaba yebintu.